ENNYINGO - 9

PAULO KIYINGI NE BANNE BATEEBWA

9.1 Okuteebwa kwa Paulo Kiyingi

Yali nkola ya Gavumenti enkuumi buli myezi mukaaga (6) okuddamu okwetegereza ensonga z'abasibe abo kinnoomu (Case Reviews). Kale oluvanyuma lw'emyaka nga ebiri kasookedde abasibe bakwatibwa, Gavumenti yatandika okuta abasibe abo, mu bibinja bya bana bana buli bbanga ery'emyezi esatu. Nga gavumenti emaze okutaayo ekibinja ekyasooka, mu kyaddirira ne PK mweyali. Bwatyo n'afuna amawulire ag'okuteebwaakwe adde e Buganda. Abalala bebaata era kwolwo baali: Daudi Mukubira, Samsoni Njuki ne Temusewo Sserwadda.

PK kino kyamusanyusa nnyo. Nti newankubadde ensonga ezaamusibisa ye ne banne tezaayanjulwa butereevu engeri gye bataawozesabwa, kyokka etteeka lya Gavumenti enkuumi erikwata ku ttaka, eryayisibwa olukiiko lw'e Mengo, teryateekebwa mu nkola. Ettaka lya Buganda/Uganda, naddala okusinga ettaka ly'abatuuze be Makeerere teryatwalibwa. Ekkanisa ya Church of Uganda yasigalayo ku ntikko y'olusozi Makeerere, na guno gujwa. Makeerere University yasigala mu Buganda/Uganda, netatwalibwa bweru wa nsi. Kale PK n'alaba nga olutalo ye ne banne lwe baalwana n'omuzungu terwagwa butaka. N'asanyuka okudda mu nsi yaboobwe e Buganda. Okujjako, newankubadde yali adda e Buganda, yali takkirizibwa kudda mu makaage e Makeerere. Yalina okuba n'ekifo ekirala ekyesudde Kampala, mailo ezisukka mu ana (40). Okusooka yalowooleza mu kugenda e Zirobwe gye yalina ettaka lye yali yagula edda, abeere eyo. Bwerutyo olunaku nga lutuuse, awo nga mu makkati ga June 1947, motoka zajja ne zitikka ebintu byabwe ne boolekera e Buganda nga bayitira e Soroti, Mbale, Tororo ne Jjinja mu Busoga.

9.2 Okwejjukanya ku Kuwangangusibwa kwa PK ne banne

Gwali muze gwa Bazungu abo ba serwajjokwota, okuwangangusa abo bonna be baalowozanga okuba ab'omutwe omunene, naddala abakulembeze b'obwediimo. Olaba nti omuze ogwo baagutandikira ku ba Ssekabaka Mwanga owa Buganda ne Kabaleega owa Bunyoro-Kitara, be bawangangusiza mu bizinga bye Seychelles mu 1899. Ensonga yava ku ba Kabaka abo butakkirizi nfuga ya Bazungu gye baali babakakaatikako awamu n'abantu baabwe. Mu bifo byabwe bo Abazungu ne balonda abantu be baali baagala bafuge obwakabaka obwo, ne babateeka ku Namulondo z'ensi ezo. Mu ngeri y'emu ne Ssekabaka Edward Muteesa ow'okubiri naye gye baamuwangangusa mu 1953, olw'okugaana okuwaayo ensi ye okufuuka ey'ekimmemmette n'ensi endala, mu East African Federation; ekintu ekyali kigenda okujuuluula Obwakabaka bwa Buganda.

Kale mu myaka egyakulembera 1945 abakozi abannansi mu Gavumenti enkuumi, abalimi n'abakopi (abo abataali baami mu Gavumenti ya Ssabasajja e Mengo) tebaali bamativu. Baalina okwemulugunya kungi eri Gavumenti enkuumi, naddala ku ngabanya y'ettaka mu Ndagaano y'Olwenda (1900 Agreement) n'enzirukanya y'obusuubuzi. Abakozi abannansi baali beemulugunya emisaala emitono gyebaali bafuna. Abalimi nga beemulugunya ensimbi entono zebaali bafuna okuva mu birime byabwe. Nga bonna beemulugunya enzirukanya y'obusuubuzi obwali bumaamiddwa Abayindi (Asians). Anti nga Abayindi be baddukanya buli kaduuka akali mu kanyomero ka Buganda, nga be basuubula pamba

ne mwanyi mu byalo, nga beddizza ebyuma ebisunsula pamba ne mwanyi, obutakkiriza munnansi yenna kuyingirira busuubuzi obwo. Ebyemulugunyo ebyo byaleetawo obusasamalo n'obwediimo obuwera, nga mu bwonna obwasinga okumanyika mwe mwali akeediimo/akasasamalo namba munaana (8) aka 1945, PK ne banne mwe bawangangusibwa, ne namba mwenda (9) aka 1949, ekibinja kyabalala ate nabo mwe bawangangusibwa. Abawandiisi b'ebyafaayo abamu abalaba ensonga nga Abazungu bagamba nti abantu abo, PK ne banne, baali bajeemu abataayagaliza nsi yabwe Buganda kukulaakulana. Kyokka mu butuufu tebaali bajeemu, baali bazira, abaalwanirira ensi yabwe obutatwalibwa Bazungu ba Sserwajjokwota mu ngeri y'emu gye baatwala Kenya, South Rhodesia, South Africa n'ensi endala nga Australia, New Zealand, Canada ne America. Abantu abo bonna, okuviira ddala ku Bassekabaka Mwanga ne Kabalega, abazira ba 1945 - Paulo Kiyingi ne banne, abazira ba 1949, abalala abaagenda bawangangusibwa olw'ensonga ezimu oba endala mu biseera ebirala, okutuukira ddala ku Ssekabaka Luwangula Muteesa II, baali ba Mwoyo Gwa Gwanga Buganda ne Uganda. Naye eky'omutawana tebaamanyibwa mu ttuluba eryo, olw'ensonga nti ebyafaayo bulijjo bibadde biwandiikibwa Bazungu oba abo be baasiba kantuntunu.

9.3 Amannya "Banadda" ne "Bulituuka"

Mu kuteebwaakwe, PK yali amaze okwetuumayo erinnya eddala erya "Banadda". Erinnya eryo yalyetuuma akyali mu buwanganguse e Karamojja, nga liva mu njogera egamba nti, "Abawanganguse banadda". Yalina n'enkoko ye empanga gyeyayagalanga ennyo gyeyali atuumye "Bulituuka" (obudde).
Ekyo yakikola nga yetegeezaako ebiseerabye nga bweyabirowozanga okuba mu maaso. Naye bwebaali badda e Buganda, okuva e Karamojja, nga batuuse mu lutobazzi lw'omugga Apapi (River Apapi), omugga omunene ogwawula Karamojja ne Teeso, enkoko eyo Bulituuka n'ewamatuka ku motoka n'egwa mu mugga ogwo. Teyaddayo kulabikako. Ekintu ekyo kyanyiikaaza nnyo PK.
Kirowozebwa nti yali agitegese okugirya, obudde nga butuuse, nga bazze e Buganda mirembe okuva mu buwanganguse.

Olwokuba tebaakeera, bawalirizibwa okusula e Soroti. Baatuukira ew'omukungu omu omukulu mu kitundu ekyo eyabasanyukira ennyo. Oyo ye yabasuza. Bwe bwakeera enkya kwe kwolekera Jjinja ne basula mu kitawuluzi e Bugembe. Awo webaava enkeera ne batuuka e Kampala ku office ya Resident Buganda.

Nga bamaze okweyanjula buli omu yawebwa motoka eyiye n'assaako ebintu bye emutwale gyeyali asazewo okugenda. Baabakkiriza okutuukako mu maka gaabwe kyokka nga tebakkirizibwa kugasulamu. N'olwekyo ne PK e Makeerere yawunyayo buwunyi n'ayolekera Zirobwe. Olwo nga amaze okwegattibwako mukyala we Eseza, eyali amaze okuzaala Samuel Lutalo Kigwira (Ekigwira omusajja, akimala). E Zirobwe baatuuka buwungeera, ne beyanjula ew'omwami ow'e Gombolola eyabawa aw'okusula.

9.4 Paulo Kiyingi "Banadda" ava e Zirobwe okudda e Bukatira

Nga atuuse e Zirobwe yeesanga nga obulamu bwe tebujja kuba bulungi, newankubadde baali ku ttaka lyabwe. Kyeyava alowooza okugenda ewa mutabani we (mutabani wa mugandawe) Samwiri Kaggulire e Bukatira, Namasinda, ne gy'aba abeera. Bwatyo yasaba akyusibwe azzibwe eyo era nakkirizibwa. Nga wayise ennaku nga ssatu motoka emusengula yatuuka, okumutwala e Bukatira. Nga ali wamu ne mukyala we n'abaana baabwe baasanga abantu bangi, ab'enganda zaabwe, ab'emikwano wamu n'abekyalo mikwano gya mutabaniwe, nga babalindiridde ne ssanyu ery'ekitalo.